Bya TOM GWEBAYANGA

# Badduukiridde abawala abazaala nga bakyali bato ne ba 'Single Mother'

ESSANYU lyayitiridde e Buyende, aba Naamala Women's Empowerment Charity bwe baabadde bagabira bamaama ebintu okulabirira abaana baabwe.

Bino byabaddewo mu kujaguza olunaku lw'abakyala, bamaama abaasobye mu 300 bwe baaweereddwa ebintu omwabadde ssabbuuni ayoza, ssabbuuni ow'okunaaba, ow'obuwunga, engatto, amakulooni n'obutimba bw'ensiri. Ab'embuto baafunye Maama Kit, katoni z'ebibiriiti, ensawo z'ekikyala n'ez'oku mugongo, amazzi amayonjo agaaleeteddwa aba Uzima water ne kalonda omulala.

Omukolo gwategekeddwa omukozi wa Vision Group, Dorah Naamala, era nga ye dayirekita w'ekitongole kya Naamala Womens Empowerment Charity, ekiyamba n'okulwanirira eddembe ly'abawala abafuna embuto nga tebafumbiddwa ne bamaama abatalina basajja 'single mother'.

Gwawagiddwa Vision Group efulumya olupapula Bukedde, kkampuni okuli eya Uzima Water ekola amazzi amayonjo, The Prestige ekola ssabuuni w'emiti, ow'okunaaba n'owobuwunga.

Amasomero agaateeseemu ssente kuliko Namasuba Institute of Technical and Vocational Studies, Kiwami Vocational Mixed Senior Secondary School ku lw'e Masaka ne St. Eliza Nursing and Midwifery Training School- Jinja.

Omukolo gwatandise n'empaka z'obugaali bw'abakyala, empaka z'okutambula n'akajiiko mu kamwa ng'okatuuzizzaako eggi ne litagwa, ez'amazina Amasoga n'ennyimba za Lingala , ezaawadde bangi ebirabo.

Ssentebe wa LC5 e Buyende, Michael Kanaku, yagambye nti omukolo ogw'ekika kino, gwe gwasoose mu disitulikiti y'e Buyende, okudduukirira bamaama abazaala nga tebalina buwagizi okuva mu bataata b'abaana.

Joan Namaganda, 14, alina bbebi ow'emyezi omukaaga ng'olubuto yalufuna asoma P6, yacamuse n'agamba nti bukyanga azaala, teri yali amuwaddeyo muti gwa ssabbuuni.

Yattottodde nti eyamufunyisa olubuto yamuddukako era atoba yekka ne bbebi we, wakati mu kuvumibwa bazadde be.

Alaisa Babirye, 16, eyali mu P7, ow'e Buseete mu Town Council y'e Buyende, yakubawo balongo. Yeebazzizza olw'okumudduukirira.

Ng'oggyeeko ebirabo, abawala abasoba mu 30 baafunye sikaala z'okusomera ku bwereere ku St. Eliza Nursing and Midwifery School, Namasuba Institute of Technical and Vocational Studies and Kiwami Vocational Mixed SS ku lw'e Masaka.



Dorah Naamala (asitudde bbebi mu maaso) ng'ali ne bamaama abaaweereddwa ebintu.

Richard Kanyomozi, ng'ono ye kitunzi wa Uzima Water, yasiimye NWEC okubagatta ku bayambi b'abawala ne ba Single mother.

Ku mukolo gwe gumu aba St. Eliza Nursing and Midwifery Training School –Jinja, bajjanjabye abantu ku bwereere endwadde okuli; omusujja, sukaali, asima, alusa, puleesa, kabotongo ssaako okukebera akawuka ka siriimu.

Naamala, yagambye nti ekitongole kyatandikira mu mboozi ez'ennaku ezaafulumiranga mu mikutu gya Vision Gropu nga zooleka obugubi abawala ne ba 'Single mother' bwe bayitamu.

Yaggumizza abakyala obuteenyooma kubanga ba maanyi era kyangu okubazza ku mulamwa.



MITALA EZEKIERI (DECEASED)

THE REPUBLIC OF UGANDA
IN THE HIGH COURT OF UGANDA AT
KAMPALA (FAMILY DIVISION)
PROBATE CAUSE No.231 OF 2026